# Obuwanguzi ku Biragalalagala
## N'omwenge



**Omuntu asobola atya okusumululwa okuva ku mize awatali buyambi bwa Katonda?**

## *Mukwano Andrew!**

Leero njagala okukunyumiza ku muvuzi wa loole ow'emyaka 39 ayitibwa Adolf abeera mu Munich-Germany, eyayagala ofufugaza omuze gwokunywa sigala. Yali anywa wakati w'eminywe 60 – 70 buli lunaku, era nga tewali kyeyali agezezaako kyamuyamba.Namubuuza:

> **"Wandiyagadde okumanya ngeri ki, ng'oyambiddwako Katonda, gyosobola okuva ku kufuuwa sigala, mbagirawo, ate nga tokoseddwa?"**

Ye , ddala. Yayagala okumanya.

Namunyonnyola nti nali sisobola kumuyamba, kyokka kyenali nsobola okukola kwe kumulaga ekkubo eridda ewa Katonda; oyo asinga okubeera omwetegefu era asobola Adolf yakkiriza enteekateeka ya Katonda era amangu ago mu bujjuvu, yasumululwa. Nga wayise ennaku 14, yasaba katonda amusumulule okuva ne kumwenge

Mu kiseera ekyo, yali anywa wakati w'ekkyupa 10 – 14 buli lunaku. Katonda era yamunula okuva buwambe obwo, era omusawo wa Adolf yeewunya engeri obulamu bwe gye bwalongookamu amangu ddala.Nga wayise omwaka gumu,Adolf ng'akozesa sente zeyali aterese, yasobola n'okugenda okwewummuzaako mu USA ng'ali wamu ne mukyalawe ne bawala be.

Abantu bangi basumuluddwa oluvannyuma lw'okusaba esaala enyangu, naye nali njagala okumutegeeza Adolf asobole okusaba ng'akkiriza.Nga kino kindi mumutwe, twasoma ennyiriri za bayibuli
*"Era buno bwe bugumu bwetulina eri ye nti bwe tusaba ekintu nga bw'ayagala, atuwulira"* (1 Yokaana 5:14 NKJV)

Wano tulaba ekisuubizo nti Katonda ayanukula essaala ezitakontana na kwagala kwe. Twejjukanye kino.

Tusome ffena 1 Abakkolinso 3:16-17 NKJV:
*"Temumanyi nga muli yeekaalu ya Katonda, era nga Omwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? Omuntu yenna bw'azikirizanga yeekaalu ya Katonda alimuzikiriza oyo; kubanga yeekaalu ya Katonda ntukuvu: ye mmwe"* – "Kiki ky'olowooza? Namubuuza, "Okufuuwa sigala kukosa obulamu bwo?", " ye bwe kiri" , yanziramu. Kati, okufuuwa sigala kibi?" "yee !"

[Ebibuuzo bino mbibuuzizza ebikumi n'ebikumi by'abafuuwa sigala, era kyenkana tewali n'omu addamu nga agaana. – Abantu abasoba mu bukkadde buna bafa endwadde eziva ku kufuuwa sigala buli mwaka]

* Andrew okugoberra ow'omubayibuli mu Yokaana 1: 41.42.

Katonda ayagala twonoone? Nedda! wabula: Tatwagaliza kwonoona. – N'olwekyo kwagala kwe nti tusumululwe okuva mu buwambe bwa taaba. **Eno nsonga nkulu nnyo, kuba bwe tugitegeera, tumanya nti ddala Katonda ajja kwanukula essaala yaffe ey'okusumululwa.**

Kati awo Adolf nemugamba: okufuuwa sigala bwe kiba kibi, awo kibeera kyetaagisa okusaba Katonda okusonyiyibwa Wakati mu ssanyu ajja kwanukula okusaba bwekutyo awatali kuwanaanya.

***"Bwe twatulaebibi byaffe, ye wamazima era omutuukirivu okutusonyiwa ebibibyaffe, n'okutunazaako byonna ebitali bya butuukirivu."*** *(1 John 1:9 KJV) Katonda asuubiza okutusonyiwa ebibi byaffe bwe twatula.*

Awo neŋŋenda mu maaso: ? Nkubuuze ekibuuzo? Bwetusaba osumululwe, onoobeera mwetegefu **okwatula ekibikyo eky'okufuuwa sigala? "Yee"** " Bwekibeera bwe kityo Katonda ajja kukusonyiwa." Era tusobola okubeera abamativu ku lw'ekyo.

Kale era, tekyandibadde kya magezi okudda mu musango gwe gumu oluvvanyuma lw'okusonyibwa. Kubanga Katonda tayagala tweyongere okwonoona n'okwerumya, Musanyufu okutununula bwe tumusabira mu kukkiriza. Tulina ekisuubizo kye.

***"Kale omwana bw'alibafuula ab'eddembe, muliba ba ddembe ddala."*** *(Yokaana 8:36 NKJV)*

Wano Yesu ayogera era agamba, bwatusumulula, **ddala**tubeera ba ddembe. Ekyo kitegeeza nti tetujja kwagala kugenda mu maaso n'emize gyaffe emikadde emibi, era tetujja kwetaaga kukikola nate.

## Anayanukula ddi ?

"Era bwe tumanya nti atuwulira buli kye tusaba, tumanyi ***nga tulina ebyo bye tumusabye."*** *(1 Yokaana 5:15 NKJV)*

Katonda atuwulira era atwanukula nga tukyasaba, awatali kulwa. . Ekyo bwe kiba kituufu, awo tusobola okukimwebaliza mu ssaala y'emu..

Adolf namunyonnyola nti, Okusinziira ku Bayibuli, waliwo Katonda wasinziira ku bisuubizo bye mu mbeera ezimu. Eby'okulabirako bino mu Bayibuli birimu nkumi na nkumi. Katonda yabituwa tusobole okumanya okwagala kwe ne byeyetaaga. Ekiva mu bintu bino kiri nti, kitubeerera kyangu okwesiga Katonda. Abaana bwe tubasuubiza ekintu, baba basuubira okukifuna: Mu bulamu bwaffe obw'okusaba, tuyinza era tuteekwa okukola bwetutyo.

Newankubadde nga Adolf teyali mukkiriza,Katonda yayanukula essaala ye. Nze nkitwala nti ekyo yakimukolera okusobola okumufuula mukwano gwe n'okumuyamba okuyiga okumwesiga.

***Nandiyagadde oba Nja?*** – Nga tetunasaba, nabuuza Adolf ekibuuzo ekikulu ennyo: **wandiyagadde** okuva ku kufuuwa sigala? (okwagala ekintu naye nga toli mwetegefu kuteeka mu nkola!) oba **oyagala** kuva ku kufuuwa sigala? (okusalawo okw'okumalirira!) Adolf yankakasa: "Njagalira ddala okumuvaako."

Era ne mbuuza: "Omunwe gwo ogwa sigala ogusembayo oyagala kugufuuwa ddi? Namunyonnyola nti kyandibadde tekisaanira kufuuwa omunwe gwe ogwenkomekerero oluvvanyuma lw'essaala ye, singa Katonda abeera amaze okumusumulula. Okwanukula kwe kwali : "bwekiba bwe kityo , namaze dda okufuuwa omunwe gwange ogusembayo!"

Kati awo, twakubaganya ebirowoozo ku birina okubeera mu ssaala kimusobozese okukola okusalawo okutuufu obanga ayagala okusaba essala eyo oba nedda. Yakakasa kye yayagala, naye n'ansaba nze nsabe essala nga bw'addamu, lunyiriri ku lunyiriri, kuba yali tayagala kubaako kye yerabira. Awo ne tufukamira. Bwenamala okusabira obuwereza bwange na ddala

Obubeezi bwa Katonda naffe, twasabira wamu essaala eno: essaala eno ngyogedde lunyiriri ku lunyiriri – okusinziira ku kusaba kwe – Adolf n'abiddamu. [obugambo buno obutono bw'abo abatakkiririza mu Katonda oba abatakyekakasa: Nkusaba oyongereko essala eno ennyimpi oluvannyuma lw'okusaba eyabulijjo – bw'oba okyagadde:]

## Essaala

**"Katonda ow'obuyinza mu Ggulu, Simanyi oba gy'oli. Naye bw'oba gy'oli, nkwegayirira oyanukule essala yange era okkiriza okusumululwa kwange, nsobobole okumanya nti oli wano era onfaako."**

*******

**"Kitange mu ggulu, nkwebaza nti nsobola okujja n'ebizibu gy'oli. okufuuwa sigala kwonoonye omubiri gwange. Nsanyuse nti onsonyiwa ekibi kino, kubanga nkyatudde gyoli. Wasuubiza mu kigambo kyo: bwe twatula ebibi byaffe, ojja kutusonyiwa. Webale kubanga omaze okunsonyiwa. Naye kitange, nina ekizibu ekirala. Omuze gw'okufuuwa sigala gwankwata era sisobola kulekera. Emirundi mingi ngezezaako okumuvaako, naye nalemwa. Kati nkusaba n'omutima gwange gwonna onzigyireko ddala okuyaayaana kwange n'obuwoomi bwa Taaba, kubanga wakisubiza:
nti kale omwana bw'alibaafuula ab'eddembe, muliba ba ddembe ddala. Era olw'okuba ekigambo kyo kigamba nti oyanukula bye tusaba ng'osinziira ku kwagala kwo era nti tumaze okufuna ebyo bye tukusabye, Nkwebaza nti wamaze dda okunsumulula. Bwonyamba, siriddira kumufuuwa nate. Nkwebaza era nkutendereza olw'obuyambi bwo obwekisa. Amiina."**

Bwe twasituka namugwa mu kufuba era nemuyozayoza olwobuwanguzi obw'amaanyi Katonda bwe yali amuwadde. Okuva lwe yasaba essala eyo, takyalokeera Taaba, era teyakosebwa olw'okumuvaako – teyaddira kufuuwa sigala nate.

Oluvvanyuma lw'ekyo, namubuulirira ku ngeri gyayinza okugogola omubiri gwe okugyamu obutwa ng'anywa nnyo amazzi,okukola duyilo wabweru awali empewo ennungi, n'ebirala. Abantu abamu bakozesa ekirungo ekiyitibwa "Hazelnut" (ekiriikiriza obusimu bw'omubiri) oba "juniper berries" (ekirongoosa omusaayi) mu kifo kya sigala, nti omukono bwe bagukozesa nga bwe babadde nga banywa sigala, waliwo ekintu ekirungi ekimwefaananyiriza. Kiba kirungi okwewala abafuuyi ba sigala , olw'okuba batera okugezaako okusendasenda abamuvuddeko ate okumuddira.

Adolf teyalabirawo nkyukakyuka oluvvanyuma lw'okusaba – okuddibwamu okwo tulina okukufuna **okuyita mu kukkiriza.** Yadde nga ekyo kyali bwe kityo, bw'atasigaza kwoya okufuuwa oluvvannyuma lw'essaawa eziweko, okuddibwamu kw'essaala ye ky'afuuka ekirabibwako era **ekikolebwa.**

Okutandika n'olunaku olwaddako, Adolf yakola- ekintu ekippya ennyo.Yatwala eddakiika 15 buli kumakya okusoma Bayibuli n'okusaba. Kyamunyweza mu kusalawo okusigala nga takytaliza muzze gwonna gumulemeddeko

Nga wayise ssaabiiti bbiri, Adolf yansaba mukyalire nateera muyambe ku kizibu ekirala: yali anywa biya wakati w'ekyuppa 10-14, era nga ayagala asumululwe ne ku muze ogwo. Bwe tutyo Twasaba okusumululwa okuva ku mwenge nga bwetwakola ku Taaba. Tusobola okukozesa ennyiriri za Bayibuli okusaba okusumululwa okuva mu mutango ogw'ekibi. ne mu kino, Katonda yamuweeerawo obuwanguzi, awatali buzibu bwonna.

Oluvvanyuma lwa ssaabiiti emu, nakyalira Adolf n'ekigendererwa eky'okumuyamba , singa yali akyagala,okunnyikiza enkolagana ye ne Katonda.

Twasomera wamu akatabo "Ekkubo erikutuusa mu bulamu obutaggwaawo," ekyanasula obwagazi bwe okufuna enkolagana ne Yesu Kristo ey'obuntu, era yali mwetegefu okusaba essaala gyeyali asomye ku lupapupla:

## Essaala eyokwebaza

**“Mukama, Njagala ojje mu bulamu bwange kati. Ndi mwonoonyi. Siyinza kwerokola. Sisobola kubeera mulungi kimala okugwanira obulamu obutaggwawo mu ggulu. Na bwekityo kati,nkuteekamu obwesige.nkukkiriza ng’omununuzi wange. Nzikiriza nti wanfiirira.Nkutwala nga Mukama era afuga obulamu bwange. Nyamba nga bwenva ku bibi byange okukugoberera. ntwaIa ekirabo kyo eky’obulamu obutaggwawo. Sikigwanidde, nayenkikwebaliza. Amiina.”**

Mu kwekenya essaala twagisomamu emirundi ebiri nga tetunatandika kusabira ddala. Mu ngeri eyo, Adolf yali asobola okukakasa ekyo ky’akkirizza. Awo ne tufukamira wansi n’akatabo kaffe mu mu ngalo zaffe nga kabikuddwa era ne tusaba nga twatula. Namunyonnyola nti essaala eno ey’okwewonga eri Yesu Kristo yali esobola okugeragеranyizibwa ku kusalawo okufumbirigana.

Okusalawo kuno kukolebwa na mpeta. Kino kikolebwa mu kyama, kigobererwa n’akadde ak’okwesoma okwetegeera okusingawo, era ekyo oluvvannyuma kivaamu embaga.

So, essaala eno ng’ewedde, wayinza okubeerawo akaseera ak’okumanya Yesu okusingawo okuyita mu kusoma ekigambo kya Katonda n’okusaba, oba okwegatta ku musomo gwa Bayibuli, okugenda ku Kkanisa, n’ebiring’ebyo.

Embaga eyo, egoberera mu kadde akatuufu, esobola okugeragеranyizibwa ku kubatizibwa, nga bw’enyonnyolebwa mu Bayibuli.

Adolf agoberedde ekkubo eryo era musanyufu olw’okusonyiyiibwa kw’ebibi bye byonna, olw’okusumululwa okuva mu buwambe bw’emize gye, olw’obubeezi wamu n’abakrito banne bwe bafaanaganya endowooza, olw’okwekakasa nti okwagala kwa Katonda kumwebunguludde yenna n’olw’essuubi ely’obulamu obutaggwaawo mu kubeerwa kwa Katonda.

Bino munnaffe bye yafuna, nsaba bikuzeemu amaanyi era obiweebwemu omukisa .

Okulamusa okw’essanyu

## *Helmut*

*Mazima ddala, olugendo luno omuntu asobola okulutambula ku lulwe, naye Adolf ekkubo yali talimanyi era nga yali anoonya buyambi.Naawe bw’oba wandiyagadde obuyambi, nkusaba okube essimu:*

*Endagiriro y’akatabo ku mutimbagano “Ekkubo erituusa mu bulamu obutaggwawo”: https://steps-to-personal-revival.info, button: Obuwanguzi ku biragalalagala n’Omwenge.*

**Helmut Haubeil**
*Rosenheimer Str. 4*
*D-83043 Bad Aibling (Germany)*
*Email: helmut@haubeil.net*